**26th March 2017.**

# OKUSABA OKUWANGUZI.I.

**(Victorious Prayer.)**

**Danyeri 6:1-5.**

We tutuukira mu ssuula ey'omukaaga y'ekitabo kya Danyeri, ge massekkatti g'akyo, mwe tweyongera okulaba Danyeri atugerera ebyo ebyawandiikibwa ottumanyisa Mukama Katonda nga bwaali ow'ekitiibwa, n'ekisa, omw'esimbu era ow'amaanyi, omwagalwa ennyo. Ottuleetera ommwaagala, ommutya, n'okumukkiririzaamu nga bwe by'ogerwako mu Baebbulaniya 11:33,34a nti "olw'okukkiriza abo be baawangula obwakabaka, be baakola eby'obutuukirivu, be baafuna ebyasuubizibwa, be baabuniza obumwa bw'empologoma, be baazikiza amaanyi g'omuliro,….." ng'era ebyo bye bimu ku bikakasa obuggumivu bw'ekitabo kya Danyeri. Abavubuka abasatu Hananiya, Misaeri ne Azaliya baasuulwa mu muliro olw'obutayonoona eri Mukama mu kikolwa ky'ekibi, ate ne Danyeri n'asuulwa mu bunnya bw'empologoma olw'obutalekeraawo kkola kituufu kye yalina okkola mu butuukirivu, Mukama n'abalokola, ne biwandiikibwa ottuzangamu amaanyi emirembe gyonna mwe tulindirira Mukama Katonda okutuukiriza okwagala kwe kwonna gyetuli nga tumwesigira ddala.
Nga bwe guli nti kaakano yalina emyaka egikunukkiriza mu 90, era n'okkwasaganyizibwa mu by'essuula eno, nzijukizibwa ennyiriri z'enjagala ennyo mu Zabbuli 92:12-15 nti……..[Ze nnasoma mu Amp. Ne ziginjagaza ennyo emyaka 25 eddako!...]. Ebyo bikakasibwa mu bulamu bwa Danyeri, abalwa mu batuukirivu abasinga mu bonna abasatu.( Ezek. 14:14).

Mu kitundu kyaffe kino ekisooka ku nsomesa zaffe mu ssuula eno, nsaba tuteeke essira ku kusaba okuwanguzi okwayolesebwa ennyo mu bulamu bwa Danyeri nga bwe tuzze tulaba ne mu ssuula endala zetwaakalaba, nti yali mbala nkulu nnyo mu mmufuula kye yali obulamu bwe bwonna.
Bwe tujjukira mu ssuula 2 nti zaali ssaala ze ne banne abasatu ez'awonya abasajja abagezigezi bonna mu Babulooni okuttibwa. N'obumalirivu bwa banne obutasinza kifaananyi kya Nebukadduneeza kyayolesa entabagana ey'amaanyi gye baalina ne Katonda waabwe.

Era nga wadde okusoomoozebwa okuva mu kweewaayo ennyo eri Mukama kuleetera ebizibu n'emitawaana eri abatuukirivu be kyokka obuwanguzi bubakakasibwa Mukama, nga bwe kiri mu Zabb. 34:19-22 nti "……..

Bwe tulabira ddala nga bwe gwaali mu ssuula yaffe eno, tusome…... Nny.1-5….

Tulaba nti obutereevu(obwerufu), n'obutuukirivu bwa Danyeri, ebyayolesa okuba kwe n'omwooyo w'obutuukirivu (gwe bayise omulungi)(an excellent spirit). Okuba nti kaakano emyaka nga nsanvu ng'aweereza yali musajja mwesigwa ataalina kwonoona okw'engeri yonna newankubadde obulagajjavu, kisoomoozo kikulu nnyo eri buli mukkiriza mu Mukama nti bwe weekebera nga tebannaba kkunoonyerezaako bwe guli naawe gyooli? Ohh Mukama atusaasire tuyigirizibwe ku bulamu bwa Danyeri obw'enkizo ennyo.

Baamukwaatirwa obuggya olw'obwaatiikirivu bwe, kabe kasinge ng'abalemesa n'obubbi, oba obukumpanya, ng'ate abalumiriza mu nneeyisa ye, ate ne kibakwaasa ebbubi n'obukyaayi gyaali.

Fenna naffe, mu kubeera omunnyo eri ensi, n'ekitangaala gy'eri, ebitulagirwa Mukama Yesu mu Matayo 5:13,14, tulina okweeteekerateekera okusiikuula obukyaayi, n'obuggya mu nsi, naye mw'ebyo mwe muba okuvvuunula kw'obubi bwonna, kubanga bwe biwangulwa obutereevu n'obulungi ebiweesa Mukama ekitiibwa n'ettendo bye biddawo.

Naye kino kye kyaasobozesa Danyeri okweyongeranga ebuziba mu ntabagana ze ne Mukama Katonda, kubanga mu Zabbuli tugambwa nti " Bwe nnaateeka obutalibutuukirivu ku mutima gwange Mukama ttaawulire ssaala zange", ate nti oyo alina omutima omulongoofu, nga n'emikono gye mirongoofu; n'akamwa akatukuvu y'asiimibwa mu maaso ga Mukama Katonda w'ensi yonna. [ Zab.66:18-20; 24:3-5].

Wano we tulabira ng'obumalirivu bwa Danyeri obuteeyonoonesa ng'akyaali muto bw'amuganyulira nnyo emyaka gye gyonna, okuba nti wadde yali mu buwaŋŋanguse, yali mwaatiikirivu nnyo okuba katikkiro, era nga bwe gwaali eri Yusufu mu kitabo ky'olubereberye mu Misiri.

Yakobo 5:16, lutugamba nti "Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungi, era n'ebivaamu biba bya ttendo."

N’olw’ekyo ffena okuba n’okusaba okuwanguzi kitweetaagisa okuba abamalirivu okutambulira mu butuukirivu obusibuka ku mitima gyaffe egitaliimu bukuusa, bukaawu, bukyaayi, malala, na byonna ebitaaganye ssaala zaffe kuweesa Mukama kitiibwa ekimugwaanidde. Kubanga by’ebireetera essaala zaffe obutajjuzibwa kukkiriza kuzigwaanidde kuba na maanyi. N’olw’ekyo nsaba tukikakase fenna nti obulamu bw’obutuukirivu gw’emusingi gw’obulamu obusabi, tubeere n’okweewangayo okweetoowaza mu kwenenya eri Mukama n’abalala be tuba tusobezza, ate tuluubirire okutambulira mu butuukirivu mu ndowooza ne mu mpisa ebiro byonna.

Abantu bonna mu nsi banoonya ekyo ekibakolera – n’affe – okusaba ky’ekituleetera obuwanguzi ng’aba Mukama, n’olw’ekyo kitugwaanidde okujjumbira ennyo, tubeerenga bawanguzi ebiro byonna.